**Radio Scripts: Women Talk Peace in Luganda**

**Abakyala b'okulukalu lw'abaddugavu Africa n'ekiteeso 1325 ekikwata ku bakyala,emirembe,n'obutebenkevu Programme eno ekwata ku kiteeso ky'akakiiko k'ekibiina ky'amawanga amagatte akakuuma ddembe ekya 1325— ebitundu bino bigidwa ku mukutu ogwa 2005 Peacebuilding Cyberdialogues**

**12.33 eddakiika**

*Entandika yayo - Emisinde j'emmundu,n'Abaana abakaaba….(*Sfx, atmos)

1. Sadia:Maama!maama!maamaaaaaa!Nyamba!nyamba!bambi nyamba…
Bambi nyamba!Ohoooo!Mukama,bambi lokola Omwaami wange.
Ye yekka gwensigazza.Bambi Mukama,Bambi.

2. Juma: Salim!Salim zuukuka.Jangu munnange……,mmanyi kino ojja kukikola,oli muvumu…..kiwundu kya ssasi.Salim!Tonfiirako wano munnange.Tokikola.Tonfaako……Mukyaalawo n'abaana onobalekawa!

Yiii..kiki kyenkoze okutuuka ku kino!Munzite nveewo basajja mmwe abayengeeta n'emmundu nga munonya okuzikiriza omusaayi ogutalina musango.

3. Juma: Sadia bambi.Kulwabaanabo,dduka oviire ekibabu kino.Tudduke.
Munnaffe Salim takyaalya,bamusse.

Mbakyaaye, mbakyaaye! ssikyabetaaga- O*kulira/okukaaba okwamanyi nga kulimu akayimba k'embeera y'olutalo-kaggwekerera nga sso lyo eddoboozi lisigala waggulu*

4. Omulombozzi (Mukazi): Kazigizigi atalojjeka ayolekedde Sadia olwokufiirwa Omwaamiwe abazigu bwebazinze ekyaalo kyabwe.
Sadia mukazi wattu nga ali wamu n'obwaanabwe omusanvu bakamala okulaba abazigu nga basalako Omwaamiwe obulago mu lulumba lwebakoze mu kiro.Bano bebakyaali abavanyuma okugwa ku kibambulira kino mu lutalo olumaamidde amambuka.
(Tabulamu akayimba k'olutalo….kakendeeze oyongeze ku ddoboozi).

5. Omulombozzi (Musajja): Embeera nga zino ez'obuyinike abantu abafananako Sadia bazilozezzaako.Entalo naddala wano mu Africa wezitaggwa,ziresse Abakazi n'abaana nga bibasobedde eka ne mukibira.

6. Omulombozzi (Mukazi): Amawanga omuli Sierra-Leone,Liberia,DR Congo,Angola,Sudan,Ethiopia,Eritrea,Somalia,Amambuka ga Uganda ye mmemye ki ndekeki,entalo zibonyabonyezza nnyo Bakazi na Baana okusinga.Awo nno,wano tetuba bakyaamu okulowooza nti Abakazi nabo kino kyekiseera bagume makazi,balwanyise okubaawo kwaazo ssi na mmundu na bitala,wabula nga nabo benyigira mu kaweefube w'okuteesa e mirembe.

7. Omulombozzi (Musajja): Abakazi bogera lunye ku nnaku jebafunira mu ntalo,n'engeri jebayisibwaamu mu bitundu byabwe n'abasajja.Ebitundu bifuuka byabamukwaata mmundu,ggwe wamma nebabyeefugira ddala.
Kino kiretawo ekinyoolankoto nga okukomya embeera eno ssikyangu.
Obulamu buzibuwala nnyo mu mbeera eno eyakwaatakwaata,ekyaakabi enyo eri Abakazi sso nga n'emmundu zifuuka za jjenjeero.

8. Omulombozzi (Mukazi): Naye nebwewabaawo endagaano ez'emirembe ezitukiddwaako,Abakazi basigala bajonyesebwa,tukole tutya okwetaasa mu biseera by'entalo zino n'oluvanyuma nga ziwedde?Tuyinza tutya okukomya ebikolwa eby'ekko ebitukolebwaako? Obukosefu bw'emitima tuyinza kubuvvunusa tutya Abakazi? Tunulira mu Kenya joyinza okubala akalembereza bwolabira ku baliraanwa,okukwaata Abakazi n'okusobya ku mabujje buli olukedde birinya enkandaggo.

9. Omulombozzi (Musajja): Mu kaco kano entalo zisinze kucaaka olw'okutuusa ebikolwa eby'ekko ku Bakazi.Abakazi mu bitundu entalo jezisanyizzaawo obutonde n'okusannyalaza eby'enfuna,bakomekerezza nakwegabangula nga begadanga ku buwaze mu kikolwa eky'omukwaano, oba oli awo nga banonya okuyimirizaawo obulamu.Olaba nemu nkambi z'abanonyi b'obubudamu awabeera akalembereza,obwamalaaya obukake bebaana baliyo n'okukwaata Abakazi.Eno embeera bweti bweerina okuba?

10. Omulombozzi (Mukazi): Nedda ssibwegulina okuba.Ekyo ekibadde kikukuliddwa era nga tekirabwa,kati kiri ku mmeeza mu b'obuyinza.

Mugwe 10/2000,akakiiko akakuuma ddembe nga kano ka kibiina ky'Amawanga amagatte,kaasemba enkyuukakyuuka mu kiteeso 1325 kyekaayisa.Kino kyekyaali ekiteeso kyako ekibereberye,nga kitunulidde bukosefu entalo mu nsi bwezireka ku Bakazi,n'olubimbi lw'Abakazi mu kuzimalawo n'okulabanga emirembe ejannama ddala gibukala.

Kwekugamba ekiteeso kino kyassa omulaka ku bukulu bw'Abakazi mu kuziyiza obusambattuko,omugasso gwabwe mu kwetaba awamu okuletawo emirembe n'obutebenkevu,awamu n'obwetaavu Abakazi bano okubawonya okutagulwa entalo,nga zibaddewo.

Ekiteeso kino 1325 ekyayawulwaamu emiteeko esatu-Okwetaba awamu,Okuziyiza nokuwa Obukuumi,nate kyakaka amawanga agalina obwa mmemba mu kibiina ky'Amawanga amagatte gonna,okukakasa nti Abakazi betaba mu nteseganya n'okusalawo,mu kutakabanira emirembe n'obutebenkevu.

Kyamukisa mulungi twaayise ne Jessica,nga ono mumyuuka w'akulira ekibiina kya Isis WICCE era nga agenda kutunyonyola engeri jebakozesaamu ekiteeso1325,okukakasa nti Abakazi ba Uganda benyigira mu kaweefube wokulaba nga emirembe n'obutebenkevu bibukala mu Ggwanga.

11. Jessica Nkuuhe (JN): Okuva Isis WICCE lwetwabakana n'ekiteeso ky'ekibiina ky'Amawanga amagatte kino 1325 era nga wano kyaali kyakayisibwa
Mugwe 10/2000,twatandikirawo ne kaweefube w'okusooka okumanyisa Abakazi amakulu g'ekiteeso kino basooke okukitegeera.Nolw'ekyo,nga omu kukaweefube waffe ow'okukibasomesa,twakiyunga ku nsonga eziri mu tteeka ly'ensi yonna ku ddembe ly'obuntu,nga n'Abakazi bano twababangula mu bukodyo bw'okuteeseza ku mmeeza,okutegeera ensonga,okuzitaputa,okunogera obutakkanya eddagala,ssaako obukodyo mu kwogerera abalala.Kino kyaali kyakubayamba obutatunula butunuzi nga bazze okuteesa,anti ekyokukola baakibuulirwa.

Mungeri yeemu,ekibiina kyaffe kibadde kyenyigira nemukussa mu buwandiike ebizibu Abakazi byebayitamu mu biseera eby'entalo,kino kitusobozese okugyayo obulungi embeera n'obuzito bw'entalo eri Abakazi.

Wano nno nga tuli bumu ne Bakazi bannaffe abalala,tusobola okukwatiza awamu okumalawo ebikolobero ebikolebwa ku Bakazi,mu biseera eby'entalo.Tusobodde n'okufulumyaawo obutabo n'obutambi bw'ebifananyi ku kutulugunyizibwa kw'Abakazi mu biseera eby'entalo,omuli Abakazi okukakibwa omukwaano,'okutundugga emitima olw'ebyo byebayiseemu mu biseera by'obusambattuko.Tusasulira nAbakazi ba Uganda okwetaba mu kukubaganya ebirowoozo ku mutendera gw'ensi yonna gamba nga okukubaganya ebirowoozo nga bayita ku mikutu jeby'empuliziganya ej'ensi yonna(Yintanenti) ku kuzza emirembe,ejategekebwa ekibiina ky'Abakazi eky'ensi yonna ekya International Women's Tribune Centre,era nga kwaaliwo mugwe 10/2005 nga akakiiko k'ekibiina ky'Amawanga amagatte akakuuma ddembe katudde.

12. Omulombozzi(Musajja):Kyaali kyakonwaako nadda nti ekiteeso 1325 nate kikubiriza amawanga ga mmemba mu kibiina ky'Amawanga amagatte okukakasa nti Abakazi nabo bakikirirwa n'okw'enyigira mu kusalawo mu kaweefube w'okuletawo emirembe n'obutebekevu.Olwaleero tulina omukyaala asoose okubeera omukulembeze mu Liberia.Kino ky'amakulu ki Jessica?

13. JN: Kikulu nnyo lwansonga okulondebwa kwa Ellen Johnson-Sirleaf kulaze ebyo abakyala byebasobola okufuna nga bayise mu ntekateka ennungamu.Era kyongedde okulaga nti abaami n'abakyala bona basobola okuteka obwesige mu'mukulembeze omukyala aba alondedwa okulembela. Mubutuufu, mukwogela kwe,Mukyala Johhson- Sirleaf ya kilambika bulungi nti era nakatiriza nti okuwangula kwe mukulonda kwava ku manyi ga bakyala abawansi nadala abo abakola mubutale. Nolwekyo abakyala abawansi bamugaso nyoo.

Nteekwa nate okwongerako nti n'olubimbi lw'Abakazi ku ku byaalo nalwo lwamugaso.Mu 2004,Isis WICCE kyafulumyaawo olutambi olwaali lulaga obutetekanya bw'Abakazi obutali bwabulijjo mu Africa,okulaga kiki ddala Abakazi kyebakola ku bikwatagana n'okuleeta emirembe,nga tutandikira ku byaalo….tulina okulaga ku ddaala ly'eGgwanga n'abo abakwatibwaako ku nsonga enkulu,mu kibiina ekigatta amawanga g'olukalu luno n'emitala wa mayanja,nti eriyo Abakazi enkwaata ngabo abatasiba zikweeya ku bikwatagana n'okumalawo obutakkanya,okuleeta emirembe,nga nabwekityo Abakazi bano basobolera ddala bulungi okwetaba mu kaweefube ono okusinga nabasajja,nga gutuuse ku kutuula ku mmeeza okuteesa emirembe.
Nolw'ekyo,bino ebyokuwoza nti tewali Bakazi basobola mu kino,byappa.

Kikulu nnyo okukozesa Abakazi abo bokka abalina ebisanyizo ku buli mutendera,kuba ssi buli Mukazi nti alina omutima oguyayana okulwanirira munne,okutaasa eddemberye,okulitumbula,n'okulabanga lissibwaamu ekitiibwa.
Wano mu Uganda ekyokulabilako, buli bwetugenda okulonda abakulembeze ba abakyala,tukakasa tutya nti abakyala abalondedwa bebo abasanide mu biffo ebyo? Kubanga okujjako nga abakyala bakumwanjo lwetusobola okufuna ekyo kyetwetaga.Manyi nti abami jebali abanona omutindo guno naye ekyo tekitegeza bu talondo bakyala basukulumye. Ffe mu Uganda ne ku lukalu luno olwa Baddugavu,kitukakatako nnyo okulaba nga obuwaayiro bwonna obulambikiddwa mu UNSCR 1325 buvaamu ebibala.

Tulina okutuuka ku buli Mukazi nga bwetusobola,naddala abo ababeera mu bitundu ebimaamiddwa entalo,kibasobozese okweyamba ekiteeso kino(UNSCR 1325) okubanja eddembe lyabwe,n'omwaganya mu nteeseganya z'emirembe.Ly'etteeka,litandika leero,litandika naffe.

14. Omulombozzi (Mukazi):Funa okumanyisibwa,wenyigiremu!Wagira kaweefube w'Abakazi okwenyigira mu kuziyiza obutabanguko,okubumalawo,n'okuzzaawo emirembe.Leka banyinaffe ku lukalu lwaffe tutuule nabo ku mmeeza ez'emirembe.Yamba okwenyigila kwabakyala mu kuziyiza obutabanguko,emitendera sako nokuzimba emilembe.

Tuwandikire oba tukubire ku simu oba tukyalile ku wano ku sitenseni eno .ssinakindi okutusindikira ebaluwa ku yintaneti omanye bingi ku kiteeso kino eky'akakiiko k'ekibiina ky'Amawanga amagatte 1325 era omanye n'engeri ennungi j'oyinza okukyeyambisaamu mu kitundukyo.

15. Obubaka buno,bukuleteddwa ekibiina ky'Abakyaala eky'ensi yonna ekya International Women's Tribune Centre,nga bali wamu n'ekyabakyaala baakuno bannamawulire Uganda Media Women's Association-UMWA, nga bano bawaniddwa ebitongole omuli eky'eby'obusuubuzi n'Amawanga mu Canada, United Nations Development Fund for Women, n'eminisitule y'eGgwanga lya Budaki ku nsonga ez'ebunaayira,wamu ne Radio eno.

*Akayimba katumbulwa nga bwekakendeezebwa. Sibula.*

*Kiwandikidwa Lilian Odera*
*Ayongeddemu Mavic Cabrera-Balleza*

***Charity ne Nora,bamukwano babiri abalwanilira okuddawo kwe mirembe***

Programme eno ekwata ku ntegeka z'amawanga okusobola okweyambisa ekiteso ky'akakiiko k'ekiibiina ky'amawanga amagatte akakuuma ddembe ekya 1325
*8.32 eddakiika*

**Eddoboozi ery'omuntu ayita/akonkona nga mugenyi(Wano tunulira buwangwabwe mwasibuka).**

1. Charity: Abeeno,abeeno!ngamba ab'ewaffe..uhuuuu….jemuli?

2. Nora: Oh,mwattu Charity,nga nsanyuse okukulaba,yingira eno,tulirako wano bambi. Anti onsanze mbyangatana nakussaako chaayi.

3. Charity: Munnange nno okoze bulungi .Onzizizzaamu amanyi Nora, anti munnoowo nayenjebuse dda.

4. Nora: Nga nvulubanye essanyu okukulaba!obadde obuliridde!Mubutuufu tumaze ebbanga ddene nga tetulabagana.Ekirungi olutalo luno lutuuse okuggwa,era kati ffe bakawonawo,tulina kulaba nga tweddabulula obulamu buddewo.

5. Charity: Mubutuufu tubadde mu kanayokyaani,entalo n'ebikolwa eby'obukambwe,tebirina jebitutwaala.Ye owange,ab'eka?

6. Nora: Uhu,nze munnange Katonda oyo gwenneekola,atukuumye tukyaali balamu.Ye ate ab'ewuwo?

7. Charity: Munnange nabo balunji ddala.Omanyi Nora!ekyo kyekimu kubindeese, …nga ogyeeko okujja okukulaba ngenze nendaba nga tuli bannamukisa nnyo,era nga tulina okweyambisa omukisa guno okulaba nga emirembe mu Ggwanga lyaffe gibukala.Njagadde nzije nkubbireko ku kyaama kyennina ku nsonga eno.

8. Nora :Okakasa!wabula toggwaako bizimba Charity,Kki ekiriwo?

9. Charity:Ahaa..wali owuliddeko ku kirowoozo 1325 eky'ekibiina ky'Amawanga amagatte?

10. Nora :Mazima bweguli,nnakiwulirako mu lukiiko olumu lwetwaalimu eyo jenkolera.Ssi kyekino ekikwaata ku bakazi okwenyigira mu kaweefube wokuretawo emirembe?Wabula amazima gali nti wano ewaffe ssimanyi bwetuyinza kukyeyambisa.

11. Charity: Ekyo tokitya,kubanga kati ekiriwo kwekulabanga kaweefube akolebwa okulaba nga wassibwaawo enkola ennungamu enegobererwa mu Ggwanga,ekiteeso 1325 kisobole okweyambisibwa ssi mukuyingiza bakazi mu kukaweefube wokuretawo emirembe kyokka.wabula nokulabanga obusambattuko obugimalawo tuba n'obusobozi okubutangira. Kuno,tujja kwongerako n'okuba n'embevu okwenygira obutereevu mu kaweefube yenna

okuddabulula ebitundu byaffe,nga entalo zibadde zibiyiseemu. Kino nno era kitegeeza nti wateekwa okubaawo ensimbi ezigerekeddwa ne kalonda omulala agenderako,biwagire kaweefube wa bakazi ono naddala wansi ku byaalo. Tewali kubuusabuusa Nora,nze ndowooza tulina obuddukiro okusobola okuletawo enjawulo.Wano mubutuufu tussa ku kikkoowe,tulina obuweerero.Kati kiri eri ffe, okulaba nga ennyingo z'ekiteeso kino essatu-okuwa obukuumi eri abakazi mu bitundu ebitabangufu,okuziyiza akaleega bica,n'okuyingiza abakazi mu kaweefube w'okuleetawo mirembe n'okugikuuma, zitambulizibwa ku nteekateeka y'eGgwanga eyabangibwaawo. Wano ku lukalu lwaffe mu Africa,amawanga mangi gesibye ku
nyingo ebbiri ezisooka,naye ffe wano ndaba nti esembayo Eyokusatu,bwebuddukiro.Kino kintwaalidde akabanga okulowozaako,era nnina nebembuliddeko abawera. Mu butuufu kitwetagisa okussaawo enkola mu Ggwanga Kwetunesigama obulungi okuleeta emirembe.kino nno kitukakatako okuziyiza obusambattuko obuyinza okutweyoreka,naye nga tulina kusooka kuba na ddoboozi.

12. Nora :Oli mutuufu nnyo!Charity.Eddoboozi lyaffe lyetaagisa awamu n'endowooza yaffe….Mazima tunula olabe abakazi engeri jebaabonaabonamu mu lutalo.Ebyetaago byaffe byanjawulo ku byabasajja.Twagezaako okutaasa amabujje gaffe.Banji kuffe twakakibwa omukwaano.Abandi baafa.Nolweekyo,Abakazi bamugasso nnyo mukutangira obunyolagano…okuleeta emirembe n'okuddaabulula ebitundu nga wabaddewo kazigizigi.

Awo nno,okussaawo enkola egobererwa eGgwanga okutuuka ku kino, kyetaagisa nnyo.Tuyinza n'okuyambako ku Gavumenti yaffe okugitegeeza abaana,abakazi n'abasajja engeri ez'enjawulo zebayisibwaamu entalo.Kino kisoboka bulungi nga tusoose okwoleka embeera bweyali nga tezinnabalukawo,bwebeera nga akanyegezi kagudde mu mugoyo,n'oluvanyuma nga entalo zino zivvunukuddwa.Kino okiraba otya?

13. Charity:Okusooka kwa byonna,kiyinza n'okuyambako okutuuza awamu ebitongole eby'enjawulo ebikwatibwaako,embeera etabangawo,okuleka ku bintu by'omwenkanonkano. Era wano tusobola n'okubasikiriza n'ebategezaako n'ebitongole
ebirala,ebikyayinza okussa omwooyo ku kyetuliko.Era ffe tusobola n'okweyambisa ebibiina byabakyaala banaffe okusasanya enjiri okukakasa nti tuba n'olubimbi mu kusalawo kwonna.Waliwo nabakyaala bannamateeka betutateekeddwa kusuula muguluka, ebibiina ebisisitira eddembe ly'obuntu,ggwe wamma na bakyaala abali mu Gavumenti.N'ekirala ekikulu,tulina nokunonyaayo abatulumirirwa mu bifo eby'obuvunanyizibwa,batubeere ku lusegere.

14. Nora :Omanyi ekinsanyusizza mu kawefube ono,y'enteekateeka eri jetwayogeddeko ey'eGgwanga lyonna nga eno kya mazima ekyayinza okulungamya Gavumenti yaffe.

*15. Charity:Kituufu,nze ndaba nga ne Gavumenti etandise okulaba ekyaama Ekiri mu bibiina by'abantu babulijjo,mukujiwanira mu by'obufuzi. Nnawulirako mbu ne mumawanga ga Africa agamu,ebibiina Bino zi Gavumenti zaayo kwezeesigamye. Omanyi nti n'ebintu bingi Gavumenti by'ekola mu kuddabulula ebitundu ebiba biyiseemu oluyiira lw'olutalo,birina nnyo akakwaate ku kikula ky'abantu,kyokka nkakasa nti kino teri yali akirowozezzaako.*

16. Nora :Kati olowooza tukwaate kkubo ki?Kiki ekiddako?Katubisengeke tulabe.

17. Charity:Naye okusooka,katuyiteyo ku bakazi bannaffe abalala,n'ebibinja ebirala,twogereko nabo ssekinnoomu,abasajja n'abakazi,tomanya tuyinza okufunayo olukiiko…..

Akayimba kaggwekerera……

18. Omulombozzi: Abakazi nga Charity ne Nora,n'abasajja,batambulira wamu
wano mu Africa.Ku nkomerero baba n'enkola ennungamu esobozesa abakazi okwenyigira mu kusalawo ku kutaatira emirembe,nokugissaawo.Ggwe n'abekinywiikyo,
ekitundukyo,musobola okuba n'obwogerero.Nga kino n'abakazi musobola okubakwatirako,okukifuna. Jjukira entalo zikosa nnyo abakazi okukira bweguli
ku basajja.Abakazi bagwaanidde baweebwe omukisa, bakozese obukalabakalaba n'obukujjukujju bwabwe okutangira entalo,okwetaasa bbo nebawala babwe, mu biseera ebya ddukadduka,nga nate abakazi bano bateekeddwa okwenyigira ennyo mu kaweefube w'okuddabulula ebitundu byabwe,nga entalo ziwedde, n'okulaba nga mpaawo nate atabangula mirembe.

19. Omulombozzi:Kino fuba okukimanya,wenyigiremu,wagira kaweefube wabakyaala mu kuziyiza obunyolagano,okubumalawo, n'okuzza emirembe.Leka bannyinaffe mu Africa tubawe omwaganya ku mmeeza eziteesa emirembe. Wagira okulafuubana kwabwe kuno mu kutangira obunyoragano,okubumalawo,n'okuusikiza emirembe. Oyinza okutukubira,okutuwandiikira,oba okujja obutereevu jetuli,okumanya akawonvu n'akagga ku kiteeso ky'ekibiina ky'Amawanga amagatte 1325,n'engeri entuufu j'oyinza
okukyeyambamu mu kitundukyo.

Obubaka buno,bukuleteddwa ekibiina ky'Abakyaala eky'ensi yonna ekya International Women's Tribune Centre,nga bali wamu n'ekyabakyaala baakuno bannamawulire Uganda Media Women's Association-UMWA, nga bano bawaniddwa ebitongole omuli eky'eby'obusuubuzi n'Amawanga mu Canada, United Nations Development Fund for Women, n'eminisitule y'eGgwanga lya Budaki ku nsonga ez'ebunaayira,wamu ne Radio eno.

*Akayimba katumbuka,ne kaggwekerera.*

*Kiwandikidwa Maggie Range*
*Ayongeddemu Mavic Cabrera-Balleza*

**Wali okitegeddeko? Entandikwa ya programme ku kiteesso ky'akakiiko k'ekibiina ky'amawanga amagatte akakuuma ddembe 1325 (2.25 eddakiika)**

Wali okitegeddeko, nti emyaaka etaano kati  emabega akakiiko ak'ekibiina ky'Amawanga amagatte akakuuma ddembe kayisaawo ekiteeso nnamutayiika ku Bakazi,e mirembe n'obutebenkevu?Ekiteeso ekyo,nga ky'ekiteeso 1325,kikowola Abakazi okwetaba mu kuziyiza obusambattuko,okubumalawo,n'okuzimba e mirembe.

Kino nno kyamugasso nnyo eri ffe ababundabunda mu bitundu bino ebyomumambuka,bwosooka okukimanya nti olutalo lwetulimu olumaze emyaaka 20 nga amagye ga Gavumenti galwanagana nabayekera ba Yozefu Kony,luviriddeko abantu abakunukiriza mu bukadde obubiri nga abasinga kuffe tuli Bakazi na Baana,okudduka mu mpya zaffe netwekomekera mu nkambi.
Kino nno kituviiddeko okubonaabona okutalojjeka,naddala Abakazi n'Abaana,era nga abaana 1,300,bebawambiddwa bakyewaggula.

Olw'ensonga nti Abakazi bakosebwa nnyo entalo zino,bateekwabuteekwa okwenyigira nemukuzimalawo.Kyova olaba nti n'ekiteeso 1325 ekyayisibwa akakiiko k'ekibiina ky'Amawanga amagatte akakuuma ddembe,kikunga Abakazi kawefube ono okumwenyigiramu,nga betaba mu kutuula ku mmeeza eziteesa ku kuletawo emirembe.

Kino nno kyangu okwogera okusinga okukissa mu nkola kubanga ffe Abakazi bulijjo tutegezebwa nti ensonga z'okuletawo emirembe n'obutebenkevu awali obutakkanya,Abasajja bokka bebazivunanyizibwaako.Kyamazima Abasajja tebalowoleza ddala nti n'Abakazi jebateseza emirembe balina okubaayo.
Kino nno kyongera okujabagiza embeera anti naffe Abakazi,twakyesambira ddala.Embeera eno erina okukyuuka.

Wagira okwetaba kw'Abakazi mu kutangira obusambattuko,okutawulula entalo,ggwe wamma n'okuleetawo e mirembe.Wandiika,kuba e ssimu oba janguuko wano ku kitebe kyaffe omanye ebisingawo ku kiteeso ky'akakiiko k'ekibiina ky'Amawanga amagatte akakuuma ddembe,1325.

Obubaka buno,bukuleteddwa ekibiina ky'Abakyaala eky'ensi yonna ekya International Women's Tribune Centre,nga bali wamu n'ekyabakyaala baakuno bannamawulire Uganda Media Women's Association-UMWA, nga bano bawaniddwa ebitongole omuli eky'eby'obusuubuzi n'Amawanga mu Canada, United Nations Development Fund for Women, n'eminisitule y'eGgwanga lya Budaki ku nsonga ez'ebunaayira,wamu ne Radio eno.

*Kiwandikidwa Mavic Cabrera-Balleza*